# Omuwendo gw'abayizi abafuna embuto mu Namayingo gweraliikiriza

Bya RITAH MUKASA

NG'OMUWENDO gw'abawala abafuna embuto nga tebanneetuuka gugenda gukka mu disitulikiti ez'enjawulo, e Namayingo embeera yeeraliikiriza. Disitulikiti eno esangibwa mu bitundu bya Busoga ng'eri wakati wa disitulikiti ya Bugiri ne Busia era ekitundu ekisinga obunene kya bizinga okuli; Ddolwe (Lolwe), Hama ne Sigulu.

Namayingo erimu amasomero ga pulayimale 100 ag'obwannannyini n'aga gavumenti 84 ate aga siniya gali 17 nga gano kuliko ag'obwannannyini 10 n'aga gavumenti musanvu. Wabula, amasomero agasinga galimu abaana abali embuto era ng'abamu balina n'obulwadde bwa siriimu. Kyokka nga n'okuggyamu embuto be baana baliwo mu masomero. Okusinziira ku kitongole kya UNICEF, abaana 27 ku buli 100 bafuna embuto e Namayingo buli mwaka kyokka mu ggwanga lyonna bali 25 ku buli 100.

## ABAYIZI BANGI BALI MBUTO

Elizabeth Ajiambo, akulira eby'okubudaabuda abayizi mu disitulikiti agamba nti, buli ttaamu, amasomero ga siniya gakebera abawala embuto kyokka buli lukebera basanga abasukka mu 15 nga bali mbuto oba nga baaziggyeemu. Omuwendo ate gulinnya nnyo mu ttaamu esooka nga kino agamba nti, kiva ku luwummula lwa December oluwanvu, abaana lwe bamala awaka. Bangi badda ku masomero nga bali mbuto.

Okugeza ku St. Phillip's Secondary School Lwangosia, mu ttaamu esooka baasanga abawala 50 nga bali mbuto okusinziira ku musomesa Eunice Nabwire akulira abawala.



Eunice Nabwire

Bano bonna baali mu siniya esooka, eyookubiri n'eyookusatu. Wabula Nabwire agamba nti, minisitule y'ebyenjigiriza ebalagira okukkiriza abaana bano okusoma okutuuka ng'olubuto lutandise okulabika era nabo kye bakola.

Wabula kyabeewuunyisa, ttaamu eyookubiri abayizi bano abasinga okudda nga tebalina mbuto. Bwe baababuuza baagamba kimu nti, zaavaamu kyokka baagenda okubuuliriza nga baaziggyamu.

Abalala baakyusa amasomero. Abataano baazirekamu kyokka omu ku bo yafa ku ntandikwa ya October ng'amaze okuzaala.


Mu ssomero lye limu, mu ttaamu eyookubiri, baazuula abayizi 12 aba siniya esooka, eyookubiri n'oyookuna nga bali mbuto. Kyokka abamu baali baazaalako dda ne badda ku ssomero.

James Myokos, akulira essomero lino agamba nti, lyatandika mu 1986 era lye lyokka eriri mu ggombolola y'e Buyinja. Lirimu abawala 323 n'abalenzi 477 ng'abamu bava mu bizinga. Wabula Myokos agamba nti, abawala abamu embuto bazifuna mu bugenderevu nga balowooza nti, y'engeri yokka gye basobola okwefunza abalenzi baabwe.

Ne ku Banda Secondary School, erisangibwa mu ggombolola y'e Banda, Violah Naluggwa omusomesa akulira abawala agamba nti, embuto zivuddeko abawala 60 ku buli 100 okuva mu ssomero. Ku bayizi 1,200 be balina, 350 bokka be bawala ate era omuwendo gusalika buli ttaamu wadde nga bayingiza abawala bangi buli mwaka, kyokka abasinga bawanduka nga tebannatuuka mu siniya eyookuna. "Tugezaako okubabuulirira n'okubazza mu ssomero nga bamaze okuzaala kyokka abamu bagaana ne basalawo okufumbirwa," Nalugwa bw'agamba. Ate abalala basuulira bazadde baabwe abaana ne bagenda e Kenya oba e Kampala okukola.

Nga bweguli mu masomero amalala, nabo baakebera abawala 100 mu ttaamu eyookubiri ne bazuula nga 30 bali mbuto. Era

## Abasomesa balaze ebireeta embeera eno



Obusiisira abayizi abamu mwe basula. Ate wansi James Myokos, akulira St. Phillip's Lwangosia ng'ali ku buzigo abayizi mwe basula.



abasinga bali waka basulirira kuzaala. Wabula Naluggwa agamba nti, abayizi bano bannaabwe babatwalira nootisi ne balema kusigalira mabega.

Ate ku Buhemba High School mu ggombolola y'e Buhemba, omwaka oguwedde buli ttaamu baasanganga abawala abatakka wansi wa 15 nga bali mbuto. Abasinga nga bazifuna mu bayizi bannaabwe. Kino Joseph Ojiambo Ogenya, amyuka akulira essomero lino agamba nti, kivuddeko essomero okubeera n'abawala abatono. Abalenzi balina 412 ate abawala 272 bokka.

Ku Mutumba Seed Secondary School, mu ttaamu eyookubiri abawala 21 be baasanga n'embuto. Omusomesa Claire Nafula agamba nti, bakebera abawala embuto ku buli ntandikwa ya mwaka era ne basangamu abazirina. Abamu bazadde baabwe babafumbiza, kyokka n'abalenzi bangi balemwa okumalako pulayimale.

Kino akiteeka ku bazadde abalagajjalira abaana, obwavu obususse n'emirimu egisikiriza abaana naddala abalenzi ng'okusima zzaabu n'obuvubi.

## POLIISI KY'EGAMBA

AIP Milly Labol, akulira eby'abaana ne ffamire ku poliisi enkulu e Namayingo agamba nti, embuto zisusse mu bayizi era abamu babafumbiza kyokka ate ne batulugunyizibwa era ofiisi ye efuna emisango egiri wakati wa 10 ne 20 buli wiiki okuva mu bawala abato nga baloopa abasajja obutabalabirira. Labol anenya abazadde abalagajjalira abaana nga n'abamu babatuma mu butale ekiro ng'eno gye bagwiira ku basajja omuli abatembeeyi, aba bodaboda n'abakola mu birombe bya zzaabu. "Nga poliisi, tufaayo okukwata bassedduvutto ne tubatwala mu kkooti kyokka abazadde abamu bateesa nabo ne batta emisango.

## EMBUTO ZIKENDEDDE

Omumyuka w'akulira ebyobulamu e Namayingo, Betty Mwogererwa agamba nti, omwaka oguwedde beegattibwako minisitule y'ebyenjigiriza, ebyobulamu, ey'ekikula ky'abantu n'ebitongole nga UNICEF, AMREF ne HEROES programme ne batalaaga disitulikiti nga babangula abantu era embuto zikendedde okuva ku bitundu 26 ku buli 100 abaazifuna wakati wa April-June 2024 nga kati guli ku 21.4 ku buli 100.

## Ebisinze okuvaako abayizi okufuna embuto nga bakyali bato

Amasomero g'e Namayingo agasinga tegalina bisulo era abayizi abava ewala bapangisa obuzigo obwakazibwako erya 'Estate'. Obumu bwa bbulooka ate obulala bwa ssubi. Eno nno tewali mateeka. Abawala obasanga basula okumpi n'abalenzi n'abavuzi ba bodaboda. Abayizi era ba ddembe okukyaza n'okutambula amatumbibudde. Balandiroodi baagala kimu, ssente. Obuzigo buva ku 15,000/- ttaamu. James Myokos, akulira St. Phillip's SSS agamba nti, obuzigo buno bwa bulabe nnyo era buleetedde abawala bangi okufuna embuto. Asaba gavumenti n'abazirakisa okubazimbira ebisulo basobole okukuuma abayizi.

Ajiambo agamba nti, n'eky'okuzimba amasomero ga siniya ku bizinga kijja kuyambako abayizi okusomera okumpi ne bazadde baabwe. Sigulu yokka ye wali essomero lya siniya.

Budala Mugoya ne Sowedi Hamisi abasuubuzi mu kibuga ky'e Namayingo baagala abaana bagobwe mu birombe bya zzaabu era n'endongo ya 'Disco Matang' ewerebwe. Omuntu bw'afa e Namayingo, ekyalo kitegeka endongo gye baatuuma 'Disco Matang' ng'eno esindogoma ekiro kyonna okumala wiiki nnamba nga basonda ssente z'olumbe. Abasajja basindana mu kunywa omwenge n'okuzina n'abawala abato era gye biggweera nga beegasse nabo ate abasinga engeri gye babeera batamidde, tebakozesa kkondomu. Wano abawala bangi bafunirawo embuto ne siriimu.